OMUZIMU GWA KASOOBA
Posted by robster - 2008/04/20 07:08

---

oyo yenna oyagala okumanya nti munsi mulimu obayiyiya nabayigiriza fuba osomeko kutatabo ko mugenzi kaweere akayitiba omuzimu gwa kasooba , mulimu oluganda lwewandiyagadde okumanyi engere ,ebikokyo enjogera nebyonna naye nga kasanyusa ate kayiiriza buli mutendera gwomuntu,

==========

Re:OMUZIMU GWA KASOOBA
Posted by omumbejja - 2008/04/20 07:20

Robster jjukira nti Phad yeyali yewadde omulimu gwotuteera nga ebitabo wano osanga bwaaba afunye akaseera nakafunako copy eno ayinza okukatuteera wano netukasoma tunamubuuzaako netulaba kyakigambako nange mulimu ebigambo byensanga mumawulire nga nokubyerabira nabyelabira dda

==========

Re:OMUZIMU GWA KASOOBA
Posted by robster - 2008/04/20 07:27

---

naye ntera okubera nebitabo bingiko naye engeri yokubituusa kuyagala okubisoma wewabeera obuzibu. naye nange waliwo akatabo kenonya naye kambuze naye bwewabawo akalina oba eyali akasomweko mwaniliza oba anguzeko copy bakayita NESOOGA OBUYEKERA BY KAWEERE.

omumbejja nkimanyi nti embuga ebintu gyebisokera okukuubera nga bikumibwa bulungi kati nfukamidde nkebererayo.

==========

Re:OMUZIMU GWA KASOOBA
Posted by kingo - 2008/05/20 11:36

Kituufu Kawere yafa amaliriza akatabo Nesogga obuyekera wabula nekabibwa nga tekanafulumizibwa mu kyapa. Ekibiina kyolulimi oluganda kyawere nti nebwekanafulumizibwa mulinya eddala bajja kukategeera kubanga tone

ya Kawere yali Unique. Otherwise, OMUZIMU GWA KASOOBA katabo kalungi nyo.

==========

Re:OMUZIMU GWA KASOOBA
Posted by prettyd - 2008/08/19 20:39

Omuzimu gwa kasooba n'obutabo bwa kawere obulala bwonna bukaa!nze i bow down to kawere yali musajja mekete ate nga muyiiya nyoo!
Alina engeri gy'akuteeka ku bunkenke ate n'akujjayo ,nkugambye obukoddyo bwe bwali bukambwe!
olulimi lwokka lwakozessa! singa tufunayo omusika we oba kale omuntu yenna amwefananyiriza tuba tuwonye oba ngambe tunaaba twesiimye! Anti awakula ennume....!
But still akatabo ke yawandiika omuntu omulala bwakafulumya mulinnya lye abasomi bakizuula mangu kubanga bwafulumya akasooka nebatamumanya bwafulumya akalala style ekyukamu olwo netumugwamu!
N'olwekyo ka tusubiire nti luliba olwo akatabo ka kawere ako akatanalabika tulikasomako.

==========